## MUTEESA ATANDIKA OKWOLEKERA EBIZIBU MU BUFUZI BWE

Ku ntandikwa y'omwaka 1945 waaliwo akasambattuko mu Buganda akaali katabangawo mu biseera bya Buganda eby'okumpi. Mu mwezi gwa January, abapakasi ba piida (Public Works Department) mu Gavumenti Enkuumi beediima ne balekayo okukola nga bakaayanira okwongezebwa empeera. Olwo abapakasi bano baali bafuna shillings kkumi na ttaano (15) kyokka nga baagala baweebwe shillings amakumi ana (40) buli mwezi. Kano ke kediimo k'abakozi akasooka okubeerawo mu Uganda yonna naye nno tekaali ka byanfuna byokka wabula kaali keegasseemu n'eby'obufuzi. Ku lwa January 15, 1945 n'abapakasi abaali bakola mu Lubiri lwa Ssaabasajja nabo ne beegatta mu keediimo ako nga bagamba nti Omuwanika wa Buganda, S.W. Kulubya yali ateekwa nabo okubongeza empeera oba si ekyo agobwe ku Buwanika.

Abantu nga bakulemberwa ebibiina by'Obufuzi beeyongera okukuŋaana n'okweguguŋga ng'eby'okwongezebwa empeera bayongeddemu n'ebirala bingi. Baasaba bakkirizibwe okwetundiranga ebirime byabwe butereevu basobole okufuna ekisingawo kw'ekyo Gavumenti kye yabawanga mu kutunda pamba, emmwanyi n'ebirime ebirala. Eky'okwongeza ku miwendo gavumenti yakigaana ng'ekyayagala ebirime bigulibwe ku miwendo yo gye yagerekanga. Okwongera ku ky'emiwendo Abaganda baasaba okufuna ababaka nga balondebwa bantu bakiikenga ku lukiiko olukulu Legislative Council (Legco) era ne basaba Kabaka alabe ababaka babwe basobole okumubuulira n'ebirala bingi ebyali bibaluma.

Nga 20, January 1945 Kabaka yalaba Bannaddiini ate nga 22, January n'alaba abakulembeze b'ebibiina nga Ignatius K.Musaazi, Bulasio Kayongo, Yake Kyazze n'abalala. Yabategeeza ng'eby'okwongera abapakasi empeera n'okufunira Abaganda ebyuma ebisunsula pamba bwe bijja okukolebwako. Ate nga 23, January Kabaka yalaba abantu bonna mu Bulange okubannyonnyola ku bintu bye bimu nga bye yali ategeezezza abakulu abeediimi era n'asaba abantu bakomye akeediimo kubanga gavumenti ye yali ejja kukola ku kwemulugunya kwabwe. Kyokka abantu beerema okuvaawo ate olwo ne baleekaanira waggulu



nti: ***Kabaka amale kugoba Muwanika balyoke bagumbulukuke.*** Abalangira n'Abambejja okwo nga kw'otadde Abaami n'Abataka abakulu beegayirira Kabaka agobe Kulubya nga batya ebiyinza okuddirira, naye Kabaka n'agaana nga bw'agamba nti yali talaba nsonga egobya musajjawe mu ngeri eyo.

## KULUBYA AMALA EMIRIMU

Abantu abaali mu mbuga y'Olubiri ne beesoma nnyo, ne balumba ofiisi y'Omuwanika n'obusungu bungi nnyo era singa Kulubya baamusangamu bandimukozeeko eby'obukambwe si na kindi kumuttira ddala. Naye Kulubya yadduka ne yekweka mu kasitowa era eyo gye yayima n'awandiikira Kabaka akabaluwa ng'amusaba amukkirize awummule Obuwanika. Minisita wa Kabaka okumala omulimu mu ngeri eno kyali kyetaagisa Gavana kumala kumukkiriza n'olwekyo Kabaka yakubira Resident essimu n'amutegeeza nga Kulubya bw'asabye okumala obwami. Naye Resident bwe yategeeza Gavana, Sir John Hall eyali yakamala ennaku obunaku ku bwa Gavana, yagaana Kulubya okulekulira mu ngeri eyo. Kyokka abantu baali bamaze okuwulira ng'Omuwanika bwe yali asabye okumala emirimu era ne bagenda nga bakiranga wonna ensi n'ekimanya. Oluvannyuma Gavana yakyusa ku nsala ye n'akkiriza Kulubya alekulire. Ogubiina gw'abantu bwe baawulira nti Kulubya agenze olwo ne balyoka bagumbulukuka.

Serwano Kulubya bwe yalekulira Obuwanika, Ssaabasajja n'abuwa Yosiya Kyazze. Omuwanika omuggya yali omu ku basajja ba Kabaka abaali baludde ennyo mu bwami. Yaliko Kweba, oluvannyuma n'alya obwa Mukwenda era omwo mwe yava okulya Obuwanika. Owekitiibwa Kyazze ono, ku Michwa ng'akyali muvubuka nnyo, Kabaka yamulonda okuwerekera Sir Churchill, eyaliko Katikkiro wa Bungereza, mu 1907 lwe yakyalako mu Buganda. Yamuwerekera okumutuusiza ddala mu Sudan era ng'omulimu gwe omukulu kutimba katimba ka nsiri ku buliri bwa mukulu oyo ekiro ensiri zireme kumuluma. Ate mu 1954 nga yava dda ku Buwanika, yali omu ku babaka b'Olukiiko ku kakiiko ka Professor Hancock eyajja okwetegereza eby'obufuzi bwa Buganda akaavamu okukomawo kwa Muteesa okuva mu buwaŋŋanguse nga bwe tunaalaba mu maso eyo mu kitabo kino.

Oluvannyuma lw'akeediimo, Gavumenti Enkuumi yalowooza nti emu ku nsonga ezakaleeta osanga kwali kuggyawo ba ddiisi Abazungu kubanga ba ddiisi Abaganda baakalubirirwa nnyo emirimu gyabwe n'Abamasaza abaali batasiimye kuteekebwawo kwabwe kubanga okusinziira ku Ndagaano ya 1900 Abamasaza be baddiriranga Abakulu Abasatu mu kitiibwa. Naye ba ddiisi Abaganda bwe baatandika okuwanga Abamasaza ebiragiro ekyo baakiraba ng'okubafeebya. Ate osanga ne ba ddiisi bennyini tebaalina nnyo bumanyirivu mu mirimu gyabwe emipya. Bw'etyo gavumenti Enkuumi yasalawo okuzza Abazungu mu kulambula emirimu ku masaza n'amagombolola. Ku mulundi guno yalonda Ba Assistant Resident buli omu okulabirira ebitunda bya Buganda e Masaka, Mubende n'e Kampala

## NSIBIRWA AKOMAWO KU BWAKATIKKIRO

Ku ludda lwa Kabaka, okusinziira ku byava mu kasasamalo, Samwiri Wamala, Katikkiro yasabibwa akomyewo Ddamula. Guno gwali mwezi gwa July. Olwo Kabaka n'asaba Martin Luther Nsibirwa akomewo naye n'agaana ng'akyajjukira Obuganda bwe bwamukyawa bwe yasemba Nnamasole Namaganda okuddamu okuwayira. Naye Kabaka bwe yamusaba ennyo n'alyoka akkiriza okudda ku Bwakatikkiro omulundi ogwokubiri. Naye Nsibirwa olwatuuka mu ntebe n'atandika okugoba abamu ku baami abakulu abaamwesimbamu okumulemya omulimu mu 1941. Bw'atyo n'ayongera ku muwendo gw'abalabe be.



**Katikkiro Martin luther Nsibirwa**



Samwiri Wamala bwe yava ku Bwakatikkiro, Gavumenti ya Uganda n'emukwata n'emusibira ku bizinga by'e Ssese oluvannyuma yeegattibwako Omulangira Yusufu Ssuuna naye gavumenti gwe yakwata n'emusibira e Ssese. Yusufu Ssuuna yali mulangira mukulu nnyo mu Buganda anti yali mutabani wa Ssekabaka Mwanga II mu ngeri eyo nga Kitaawe omuto owa Kabaka Muteesa. Abantu eky'okusiba Ssuuna kyabakola bubi nnyo era ne balowooza nti Muteesa ye yawaayo Kitaawe okumusiba anti mu biseera ebyo Obuganda bwalowoozanga nti Muteesa yali yeekubidde nnyo ku luuyi lw'Abazungu nga takyawulira bya bantu be wabula eby'Abazungu byokka. Bw'ojjukira ng'abantu baali batandise okukaayanira emisaala egisingawo okusobola okugula ebintu ebyalbigula obuwanana olw'olutalo olwali lukyayinda, Gavumenti zombi, eya wakati n'eya Kabaka zatuuka okutunula mu misaala gy'abakozi baazo bwe baayongezebwa ebitundu 25 ku buli kikumi mu kiseera ekyaddirira. Olwo abaali bafuna shilling 15 buli mwezi ne bafuna shilling 17 buli mwezi. Naye ekyo tekyakyusa nnyo ku ndowooza ya bantu ku Kabaka wabwe nti era yali asinga kuwuliriza Bazungu. Oluvannyuma Kabaka yagenda e Bungereza okweyongera okusoma.

## EKYAMA KYA KABAKA

Ku nkomerero y'omwaka gwe ogwokubiri ng'asoma e Cambridge, Kabaka yakomawo mu Buganda okuwummulako. Bwe yatuuka kuno n'atandika okwogereza omuwala ***Catherine Damali Nakawombe*** muwala wa Christopher Ssekkuuma Kisosonkole eyali Katikkiro wa Buganda ng'asikira Sir Apolo Kagwa. Nnyina wa Damali yali muwala wa Hamu Mukasa eyaliko Ssekiboobo. Damali yali muyigirize bulungi nga yasomera Kings' College Budo era nga yeddira Nkima.Tewaali kigambo kyonna kyalangirirwa mu kiseera ekyo kubanga ekyaama kyali tekinnaggya. Naye Muteesa bwe yaddayo okumaliriza emisomo gye ne Damali n'amugoberera naye yeyongere okusoma emisomo emimpimpi okumala omwaka mulamba. Naye teyalinga wamu ne Kabaka. Kabaka ng'amalirizza emisomo gye Yakomawo mu Buganda nga 8, October 1948. Ng'akomyewo Abakulu Abasatu baamutegeeza nga bwe baali bakoze emirimu gyabwe era nga beetegefu okumuddiza obuyinza bwe yeefugire ensi ye. Omutanda yakkiriza okweddiza obuyinza bwe era ng'ali ku Nnamulondo yategeeza Obuganda nti: ***Ndabye nga musajja wa Kabaka nkuze, ntuuse n'okuwasa.***

## KABAKA TAWASA WA NKIMA

Bwe yayogera ekyo abantu bonna ne basanyuka olw'amawulire ago ag'essanyu naye abamu ku Bataka bwe baawulira ng'omuwala Kabaka gwe yali agenda okuwasa wa Nkima, muzzukulu wa Mugema ne batandika okuwanuuza nti Kabaka tawasa wa Nkima kubanga okuva edda n'edda nga abalangira abazaalibwa abawala ab'Enkima tebalya Bwakabaka. Nga bagamba nti omukyala oyo bw'alizaala omulangira kiriba kitya ng'atuuse okusikira Obuganda. Abataka abamu tebaakitwala ng'akalomolombo akakulu kubanga baali bakimanyi nti Kabaka y'ateekawo empisa era mu ngeri y'emu asobola okugidibya. Abo ne bagamba nti empisa ey'obutawasa wa Nkima yali etuuse okudiba. Era bwekityo bwe kyali.

Ku mazaalibwa ge nga 19, November 1948 Kabaka Muteesa n'awasa Catherine Damali Nakawombe. Bishop Stuart ye yabagatta mu bufumbo obutukuvu mu lutikko e Namirembe.Sir John Hall, Gavana ne Hamu Mukasa, Jajja w'omuwala be baajulira obufumbo obwo. Ate Sir George Kamurasi Rukidi II, Omukama wa Tooro, ye yali Kalabalaba w'Omugole musajja n'Omulangira George Mawanda ye yali omukulu w'emikolo gy'embaga gyonna. Ate ku ludda lw'Omugole omukazi, mukulu we Sarah Kisosonkole ye yali emperekeze enkulu. Bwe baamala okugattibwa ne bambuka mu Lubiri e Mengo eyo gye baagabulira abagenyi babwe abaali abangi ennyo. Olunaku luno olwa 19 November lwagatta embaga y'obugole n'embaga y'amazaalibwa ga Kabaka.N'olwekyo embaga yali nnene ddala era yasaasaanyizibwako emitemwa gy'ensimbi bwe giti:

| | |
|---|---|
| *Ez'amazaalibwa* | *shs 8.000.00(Kanaana)* |
| *Embaga y'obugole* | *shs 62.000.00(Emitwalo mukaaga mw'enkumi bbiri)* |
| *Zonna awamu* | *shs 70.000.00 (emitwalo musanvu).* |





***Kabaka Muteesa ne Nnaabagereka ku mbaga yabwe.***

fg30

bagyiddwawo wonna mu Buganda. Kabaka yafuna obuyinza okulonda abamu ku basajja be abayigirize bana (4) okudda mu bifo by'Abazungu ne bayitibwanga ba Diisi Abaganda. Olwo Resident Buganda n'asigala kuwanga buwi magezi mu by'enfuga ya Buganda so si kulabirira butereevu enfuga n'emirimu mu masaza nga bwe kyali edda.

*ESSUULA 2*

# OMUGGUNDU MU MBEERA YA BUGANDA NE BUNGEREZA

## FEDERATION YA EAST AFRICA

Mu biro ebyo Abazungu baayagala okugatta amawanga ga East Africa: Kenya, Uganda ne Tanganyika mu ntegeka y'obufuzi eyali emanyiddwa nga ***East African Federation***. Ekigendererwa kyali okufuula ensi zino ensi emu. Ekigendererwa kino kyali kyawukana n'endagaano zonna Buganda ze yali ekoze ne Bungereza. Kinajjukirwa nga Kenya ne Tanganyika zaali zifugibwa nga matwale ga Bungereza so nga yo Buganda yali ekuumibwa bukuumibwa. Mu Kenya ne Tanganyika Abazungu n'abagwiira abalala bonna baali ba ddembe okufuna ettaka okukolerako buli kyonna kye baali baagala ate nga mu Buganda tebaalina ddembe eryo. Mu kiseera ekyo Abazungu abalimi mu Kenya baakyogeranga lunye mu mawulire nga beesunga nnyo okuteekebwawo kwa federaton eyo. Kyokka abantu mu Buganda nga batya nti Uganda bw'egattibwa n'ensi ziri mu federation, enfuga ya Buganda ey'Obwakabaka eriba efudde. Bungereza ng'etandikiriza enkola eya federation yateekawo ekibiina kye yatuuma ***East African High Commission*** okugatta emirimu egy'awamu mu nsi zino essatu okukola ku:

***Post n'essimu***<br>
***Lerwe n'emyalo***<br>
***Eby'entambula z'ennyonyi***<br>
***Eby'okunoonyereza***



Bwe baali bateekawo High Commission eyo enkiiko z'Abaddugavu ng'Olukiiko lwa Buganda tebaazebuuzaako. Aba Buganda baabisomanga mu mawulire. Bwe baabuuzanga Abakungu ba Gavumenti ya Uganda nga babagamba nti ebyo byali tebibakwatako. Ekyo ne kiraga Abaganda nti singa federation eteekebwawo mu ngeri eyo yali ejjanga kuteeka n'amateeka nga tebeebuzibbwako ng'ekyo kyali kisobola okukyusa enfuga n'embeera ya Buganda nga Bazungu be beebuuzibwako bokka.


Kabaka agenda okukomawo okuva mu kusoma mu 1948 ng'ebizibu mu ggwanga byeyongedde. Ebibiina by'obufuzi nga bireese amaanyi mu kusaba okwefuga kwa Uganda okw'amangu okwewala ebizibu ebiyinza okuleetebwa federation y'Abazungu. Ate ng'ekibiina ky'Abalimi, Uganda Farmers Union, kisaba abalimi batandike okwetundira ebirime byabwe butereevu mu katale k'ensi yonna awatali kuyita mu Bayindi oba ebitongole bya gavumenti nga Lint ne Coffee Marketing Boards. Kinajjukira nga mu kiseera ekyo obusuubuzi bwonna gamba ng'okusunsula pamba bwalinga mu mikono gya Bayindi, bo Abaddugavu nga bakoma ku kulima na kutwalira Bayindi bye baabanga balimye ne babibagulako ku miwendo gya nseko buseko. Abayindi oba ebitongole bya gavumenti bwe byatundanga ebweru ne bifuna amagoba gabe mangi genkana wa nga Abaddugavu tebabaako kye baddizibwa. Abantu kwe kugenda eri Kabaka abeeko ky'abayamba ku nsonga eyo. Mu butuufu okusaba okusunsula n'okutunda ebirime ebweru wa Uganda baalibisabye gavumenti ya wakati kubanga gavumenti ya Kabaka yali tevunaanyizibwa ku nsonga ezo butereevu.

## EKIBIINA KYA (BU)

Ate waaliwo n'ekibiina ky'Abataka ekyayitibwanga ***Bataka Union (BU)*** nga kikulemberwa Omutaka ***Semakula Mulumba.*** Kino nga kiri wamu n'Abataka abatali batongole mu lukiiko lwa Buganda nga Abaateranga okulumba Kabaka ne gavumenti ye ku buli nsonga yonna gye kyayagalanga okukolako n'okusingira ddala okwefuga kwa Buganda. Nga bwe tunaalaba mu maaso eyo ekibiina kino kyakola nnyo okusooka okulwanirira Muteesa bwe yali awaŋŋangusibbwa ate era ne Uganda okutuuka okufuna okwefuga kwayo bwe yetakkuluza ku Bungereza.



*Semakula Mulumba*



*Abataka Bu*

## AKEEDIIMO AKALALA MU 1949

Nga 24, April 1949 abantu bangi nnyo baava wonna mu masaza Buganda, abasajja n'abakazi, ne bagumba ku nnyanja ya Kabaka awo okumpi n'essomero lya Aggrey Primary School. Ekyali kibaleese awo nga we baagala okuva okugenda okulaba Kabaka bamutegeeze ebibaluma era abibakolereko. Bajja beetegese okubeera awo okutuusa lwe baliraba Kabaka kubanga baalina buli kye balyetaaze gamba ng'emmere n'eby'okufumbiramu. Baali bawera nga enkumi nnya oba ttaano obungi era nga kirabika abakulembeze baabwe baali bamaze akaseera nga beetegekera olugendo luno. Baali tebajja



kutiisibwatiisibwa okuva mu kifo ekyo okutuusa nga Kabaka amaze okubakolera ku nsonga ezaali zibaluma.

Gavumenti Enkuumi bwe yalaba embeera eyo ng'abantu bazze gawanye n'eweereza polisi okukuuma olubiri. Enkeera nga 25, April 1949, abantu abo abaali basuze awo ku nnyanja ne bagumbulukuka ne bagenda mu maaso g'olubiri okutandika okukola ku kyabaleese. Baatumira Katikkiro agende ayite Kabaka ajje bamutegeeze ebibaluma. Kabaka yali aweereddwa amagezi aleme kukkiriza kulaba bantu bangi bwe batyo nga bayinza okumukola akabi. Abakulu abamu baali bawadde Kabaka amagezi abantu abagobe aleme kubalabira ddala naye n'agaana nga bw'agamba nti, ***Bwe baba baagala kulaba Kabaka waabwe bajja kumulaba. Mubagambe baleme bonna kweyiwa mu lubiri wabula balonde ababaka munaana bajje bantegeeze kye beetaaga.***

Bakkiriza ne balonda ababaka abajja n'ekiwandiiko ekyalimu ensonga ttaano:

- ***Ssaabasajja akkirize abantu baweebwe obuyinza okwerondera abaami babwe.***
- ***Gavumenti ya Kabaka eriko yonna eggyibweko.***
- ***Abalimi bakkirizibwe okwesunsulira pamba wabwe.***
- ***Abalimi baweebwe eddembe okwetundira ebirime byabwe mu butale ebweru.***

Kabaka yabaddamu bwati:
***Ensonga 1, 2 ne 3 zaali nzibu okukolako amangu kubanga zaali zeekuusa ku Ndagaano eya 1900. Naye ensonga ezisigaddewo nja kwebuuza ku bampa amagezi nga sinnaba kuziddamu.***

Bwe yamala okubaddamu n'abagamba baddeyo mu maka gabwe ng'ensonga ezo bwe zikolwako. Ababaka b'abantu baava ewa Kabaka nga bamatidde n'okuddamu kwa Kabaka era ne bagenda okunnyonnyola bannaabwe n'okubasaba bagumbulukuke. Abantu baagaana okuvaawo.

Ku lwa 25, April 1949 baasiiba awo mu mbuga y'Olubiri era ne basulawo nga polisi ebatunuulira nkaliriza. Nga 26' April Mr. Kirwan eyali Judicial Advisor wa Buganda n'ajja okwogera eri abediimi. Yabategeeza bave mu mbuga y'Olubiri oba si ekyo polisi yali ya kubaggyawo na maanyi. Waabulawo n'omu aseguka. Abangereza nga bakyafuga ensi eno tebaateranga kugenda mu bantu na mmundu. Baalina biggo byokka okuggyako ba ofisa Abazungu abaalina obubundu obutono (pistols) nga babukwese mu ngoye zabwe.

Ng'abantu balemeddewo, Abapolisi baaduumirwa okubagumbulula nga babakuba ebiggo. Olwo ne batandika okudduka naye waaliwo akavuyo ka maanyi abantu nga bagenda bagwa n'eggaali zabwe, engatto n'ebintu ebirala nga bigenda biwandagala. Abediimi badduka ne basaasaanira ekibuga kyonna nga bakola ebya mbyone ku bantu n'okwokya ebintu n'ebizimbe. Bakaawonawo abaali bakakomawo okuva mu lutalo be baayigiriza abantu okwokya ennyumba ez'amabaati ne petulooli. Amayumba mangi e Lubaga, e Namirembe n'e Lungujja ne gatuntumuka omuliro. Abediimi bwe baava mu kibuga ne bawamba e motoka okugenda mu byalo okwokya ebizimbe bya gavumenti ku masaza n'amagombolola. Abakungu be baasangako nga babakuba bubi nnyo. Mu kibuga Baminisita, Abamasaza, Abamagombolola n'abamu ku bakozi ba gavumenti abakyala awamu n'abaana babwe baddukira munda mu lubiri gye beekukuma abediimi. Polisi ya Uganda yakola nnyo okukuuma ebimu ku bizimbe obutasaanyizibwawo ku masaza n'amagombolola wonna mu Buganda. Oluvannyuma abamu ku bediimi baakwatibwa ne baggalirwa nga balinda okuwozesebwa. Olwo akeediimo ne kagenda nga kakkakkana mpolampola.

Ng'ebintu bitandise okudda mu nteeko Gavumenti Enkuumi yateekawo okubuuliriza ebyavaako akeediimo ako era ne kizuulibwa ng'abakulembeze b'ebibiina by'obufuzi n'okusingira ddala aba ***Uganda Farmers Union ne Bataka Bu*** n'abamu ku babaka b'Olukiiko lwa Buganda be baali emabega w'akeediimo ako. Bangi kubo baakwatibwa ne bawozesebwa era buli gwe gwakkanga mu vvi ng'asibwa oba okutanga



emitango emikakali. Mw'abo abaasingibwa omusanga mwalimu ***Jemusi Miti Kabazzi,*** omukulu wa Bataka Bu, ***Nasanairi Mayanja*** eyali Mukwenda, ***Reverend Father Spartas Ssebbanja,*** omukulu wa Orthodox Church, ***Yake Kyazze, Paulo Mukasa*** n'abalala bangi.

Gavumenti zombi eya Kabaka n'Enkuumi zanyiigira nnyo abaakulembera akeediimo kano n'okusingira ddala okusasamaza abantu n'okutuuka okwonoona ebintu n'ebizimbe ebyazimbibwa n'omusolo gw'abantu. Naye abakulembeze b'akeediimo nga tebakkiriza nti omusango gwali gwabwe bokka naye nga bagamba nti ne polisi yakola kinene nnyo okusaasaanya akasasamalo ako kubanga bwe baakuba abantu obubi ennyo nabo ne beekyawa ne bagenda mu maaso n'ebikolwa ebyo newankubadde bo baagezaako nnyo okukoma ku bantu obutayonona bintu. Naye waayitawo omwaka gumu Kabaka n'asalawo okuwummuza Abakulu Abasatu abaaliko. Nga 9, December, ***Paulo Kavuma*** eyali Owessaza Ssekiboobo n'alya Obwakatikkiro ng'asikira Kawalya Kagwa, ***Matayo Mugwanya*** n'alya Obulamuzi ng'asikira M.Kigoonya ate ***Latima Mpagi*** n'asikira Ezekieri Walusimbi mu Buwanika. Mu kiseera kino kyalabikira ddala ng'eby'obufuzi mu Buganda byali bituuse we byeraliikiriza abafuzi. Obuwulize obw'edda eri Kabaka n'abaami bwali bugenda busereba, kino ne kituusa ne gavumenti okukozesa amaanyi ku bantu ate nga Kabaka afuuse ***nkata nnyigwa wabiri.*** Eno abantu nga balowooza nti tabaliiko ali na Bazungu mu ndowooza ye ate nga Gavumenti Enkuumi ng'erowooza nti Kabaka tagiyamba nga yekubiira nnyo ku Lukiiko n'abantu natayamba mu nteekateeka gavumenti zeteekawo okukuza ensi. Aba Gavumenti baanenyanga Kabaka nga mpozzi beerabidde nti enteekateeka yabwe okugatta ensi za East Africa zaali ziterebudde abantu bangi nga ne Kabaka mwali.

## OLUKIIKO LWA LEGISLATIVE COUNCIL

Mu biseera ebyo ng'omubaka ava mu Buganda akiika mu lukiiko lwa Uganda oluteeka amateeka (Legico) ali omu yekka, Katikkiro wa Buganda, Kawalya Kagwa, ate okutwalira awamu nga lulimu abaddugavu basatu bokka. Abazungu n'Abayindi be baali basingamu

obungi ate nga be bakiikirira babalirwa ku ngalo. Kawalya okugenda mu Legico Kabaka Muteesa ye yamulonda so si lukiiko lwa Buganda. N'olwekyo Abaganda tebaamulinaamu bwesige kubakiikirira era emirundi mingi baamuyitanga ***musajja wa Bazungu.*** Mu 1950 Gavumenti Enkuumi yasalawo okukyusa ku muwendo gw'abakiise mu Legico: Abazungu 4 n'Abayindi 4 kyokka omuwendo gw'Abaddugavu teyagwongerako. Kino kyaleetera Buganda okwongera okutya Legico ne bagiyitira ddala lukiiko lwa Bagwira.

Newankubadde Gavumenti Enkuumi yafuba nnyo okunnyonnyola Abaganda nti East African High Commission tesaanidde kubeeralikiriza kubanga yo yali ekola ku byanfuna sso si byabufuzi naye era tebaamatira. Bo baali bakimanyi nti Buganda yeemalirira mu byetaago byayo nga mw'otwalidde n'ebyenfuna. N'olwekyo baali betaaga kusala magezi ag'okuwonya Buganda okugendera mu nsindikano y'okugatta Uganda mu federation ya East Africa. Okusooka Abaganda nga bayita mu lukiiko lwabwe olukulu baasaba Bungereza ekkirize ensonga za Buganda okuggyibwa mu Colonial Office, zizzibweyo mu Foreign Office ng'endagaano za Buganda ne Bungereza eza 1894 ne 1900 bwe zigamba. Okwo ne bongerako okusaba okwefuga kwa Buganda, federation bw'eriba ezze esange nga Buganda yeefuga dda. Gavana ebyo byonna yabigaana nga tayagala kwawula Buganda ku Uganda.

Obutategeragana n'obuteesigaŋŋana wakati wa Buganda ne Bungereza ne bugenda nga bukula. Bo Abaganda nga baganiba nti Omungereza yayitibwa buyitibwa nti okumusaba okuddayo tekiba kivumo. Ate ng'Omungereza alowooza nti kyali gyali okutegeka ensi n'okugikuza nga bwe kyali kyetaagisa. Endowooza eno ku buli luuyi teyalema kuleetera Kabaka ebizibu ebitayogerekeka mu mbeera ze n'Abafuzi Abangereza. Mu kiseera ekyo Gavumenti Enkuumi yali emaze okulengera ng'ebiseera bigenda bisembera Uganda yonna okutuuka okwefuga. Mu ngeri eno Abangereza baayagala okuleetawo enkyukakyuka ez'amaanyi mu by'enfuga zisobozese Abaddugavu okuyiga okuddukanya gavumenti yabwe ng'okwefuga tekunnatuukira ddala. Okutuukiriza enkola eno Gavumenti yali emaze okusalawo okugaziya Legico, okwongeramu Abaddugavu nga balondebwa enkiiko z'ebitundu



byabwe. Naye Olukiiko lwa Buganda enteekateeka zino lwazizimuula ne luzira okuweereza ababaka baalwo nga lukyatya nti entegeka zino zonna zaali zigenderera kuleeta federation ya East Africa.

## GAVANA COHEN ATUUKA MU UGANDA

Mu 1952, ***Sir Andrew Benjamin Cohen***, eyali akolera mu office y'Omukulu w'Amatwale mu Bungereza era nga ye yali akulira ekitongole kya office eyo ekyakolanga ku nsonga z'Africa, yalya obwa Gavana bwa Uganda ng'asikira Sir John Hall. Omulimu gwe omukulu gwali gwa kuteeka mu nkola entegeka z'okugatta awamu amawanga agaali amatwale ga Bungereza mu East Africa gafuulibwe eggwanga limu eddene ennyo era nga lyefuga mu nkola ya federation.


*A.B.Cohen*

Andrew Cohen bwe yatuuka mu Uganda mu mwezi gwa January 1952 yeeragirawo nga bwe yali agenda okuba mukwano gw'Abaddugavu. Yabeewa mangu okusinga Abazungu abafuzi abaamusooka era mu ngeri eno n'afuna emikwano mingi. Gavana ono yayambalanga ekkanzu n'alinnya n'akagaali mu kulambula ebitundu eby'enjawulo ebya Buganda. Ne mukyala we naye oluusi yeesibanga boodingi okufaanana abakyala Abaganda buli lwe yabakyaliranga eyo mu byalo gye baabeeranga. Ebiteeteyi bye bingi yasalawo bitungirwe awo e Katwe mu kibuga ky'Abaddugavu ku njegoyego za Kampala ew'omutunzi eyayitibwanga

***Ben Edebe,*** eyali omutunzi w'engoye z'abakyala omukuukuutivu.

Mu lukiiko lwa Uganda Legico, Kabaka Muteesa yali alondeddeyo ababaka babiri: Serwano Kulubya ne Saulo Lubega olwo ng'olukiiko olwo lukiikwamu Abaddugavu bana. Mu March 1953 olukiiko lwa Bungereza (House of Commons) lwateesa ne luyisa etteeka eryateekawo Federation ya Rhodesia ne Nyasaland. Newankubadde ng'Abakulembeze Abaddugavu mu Northern Rhodesia (Zambia) ne Nyasaland (Malawi) baaleekaana nnyo nga tebakkiriza kugattibwa mu federation eyo naye Bungereza teyabawuliriza wabula ne bagenda mu maaso n'enteekateeka zabwe. Ekikolwa kya Bungereza kino kyennyamiza nnyo Kabaka n'abantu ba Buganda era ne beeyongera okutya nti Bungereza eyinza okukola ekintu kye kimu ku federation ya East Africa.

Mu mwezi gwe gumu Ssaabasajja Kabaka Muteesa yakkiriziganya ne Gavana Cohen okuteekawo enkyukakyua mu nfuga y'Obwakabaka bwa Buganda. Bakkiriziganya emirimu egimu egyali giddukanyizibwa Gavumenti Enkuumi nga: Amasomero ga Primary, Amalwaliro ne dipensaries, Eby'obulimi n'obulunzi, giddizibwe Gavumenti ya Kabaka. Bakkiriziganya wayongerweyo Baminista okuddukanya emirimu egyo emiggya. Kyateesebwa emirimu egyo gikolebwenga enkiiko z'Amasaza nga zirabirirwa Gavumenti ya Kabaka. Enkyukakyuka endala yali ya kwongera muwendo gw'ababaka b'abantu mu lukiiko lwa Buganda olukulu okuva ku 31 okutuuka ku 60. Ku bya Legico Gavana yakkiriza omuwendo gw'ababaka abatali ba gavumenti gwongerweko okuva ku 16 okutuuka ku 28 nga kuliko abaddugavu 14, Abazungu n'Abayindi babe nabo 14. Wabula ababaka ba gavumenti bo babeere 28. Olukiiko lwonna lubeemu abantu 56. Ku babaka abo bonna Buganda ebeeko na basatu naye era olukiiko lwagaana okubalonda olwo Kabaka yennyini n'aberondera.

## AMATIKKIRA GA QUEEN WA BUNGEREZA

Ku nkomerero ya May 1953, Kabaka Muteesa II ne Nnaabagereka nga bawerekerwako Omulangira George Jjuuko n'Omulamuzi Matayo Mugwanya baagenda e Bungereza okubaawo ku matikkira ga Queen Elizabeth II ng'asikira kitaawe King George VI. Omukolo Muteesa tegwamusanyusa kubanga aba



Gavumenti ya Bungereza tebaamuyisa bulungi era tebaamuwa kitiibwa ekigya mu Kabaka nga bwe yali. Empapula z'amawulire mu Uganda ensonga eyo zagyogerako nnyo nga zitegeeza nga Kabaka wa Buganda bwataaweebwa kitiibwa ku matikkira ago. Songa waaliwo abafuzi abalala era abaali bava mu matwale ga Bungereza nga Sultan wa Zanzibar, abassibwamu ekitiibwa ekiyitiridde ne baweebwa n'ebigaali ebisikibwa embalaasi omutambulira abantu abakulu ku mikolo ng'egyo. Ne Queen Salote eyali afuga obuzinga bw'e Tonga, mu liyanja Pacific yayisibwa mu ngeri eyali ey'ekitiibwa okûsinga ekyaweebwa Kabaka wa Buganda, eyali afuga abantu abasoba mu kakadde akamu n'ekitundu so nga Queen Salote yali afuga abantu emitwalo etaano gyokka. Kabaka yatambulira mu taxi.

Engeri Kabaka gye yayisibwamu ku mulundi ogwo kyalowoozesa Abaganda nti Kabaka yafutyankibwa. Mu kiseera ekyo kyennyini amawulire ne gaafubutuka e Kenya mu lupapula East African Standard nti Omukulu w'Amatwale ga Bungereza, Omwami Oliver Lyttelton, bwe yali ku kabaga mu East Africa House yayasanguza nti ***kyali kikyasoboka okugatta ensi za East Africa (Kenya, Uganda ne Tanganyika) awamu mu by'enfuga (East African Federation).*** Amawulire gano okufuluma nga Kabaka akyali Bungereza ku matikkira ga Queen era Abaganda ne bakiraba nti Abangereza baali bakyalina ekirowoozo ky'okugatta Uganda ku nsi za Esat Africa mu mugattiko gw'eby'obufuzi nga bwe baali bamaze okukola ensi za Central Africa.

Baminisita ba Buganda baayanguwa mangu okuwandiikira Gavana nga 6, July nga baddamu okuwakanya n'amaanyi gabwe gonna eby'okugatta Buganda ku nsi endala mu ngeri y'eby'obufuzi. Mu bbaluwa eyo bajjukiza Gavana ebisuubizo bye yali agenze akola okugumya Kabaka n'Abaganda nti tewaliba kugatta nsi nga tezeyagalidde. Aba Uganda National Congress, ekibiina ky'obufuzi eky'amaanyi ekyaliwo mu Buganda mu biseera ebyo, nakyo kyafubutukayo n'ekiwandiiko nga kiwakanyiriza ddala ebigambo ebyo ebyayogerwa Omukulu w'Amatwale ku federation ya East Africa; ne bongerako nti ekyalisinze ye Bungereza okuwa Uganda obwetwaze amangu n'embiro. Ssaabasajja yakomawo nga 10, July 1953 okuva e Bungereza n'asanga ng'ebya federation bikutte wansi ne waggulu.

## EBIWANDIIKO WAKATI WA GAVANA NE KABAKA

Nga 27, July 1953, Gavana yawandiikira Kabaka ebbaluwa ng'amutegeeza nti ebbaluwa ya Baminisita be yagituusa eri Omukulu w'Amatwale, eyamulagira akakase Kabaka ne gavumenti ye nti Gavumenti ya Queen tekyusanga ku bweyamo bwayo eri Buganda obwali bugamba nti *"Okussibwawo kwa East African High Commission ne Assembley yakwo tekusaana kulowoozesa nti ekyo kitegeeza kuteekawo federation ya East Africa. Baminisita bo bantegeezezza nga Gavumenti ya Bungereza bw'ebawadde obweyamo ku nsonga eyo emirundi mingi. Naye mbakakasa nti obweyamo obwo obwaweebwa na kati bukyaliwo. Sirina kubuusabuusa nga bino bye mpandiise bijja kubamatiza bulungi".*

## EBBALUWA KANAALUZAALA

Nga Kabaka amaze okutegeera byonna ebyaliwo nga ali Bungereza naye yakwata ekkalaamu nga 6, August 1953 n'awandiikira Gavana ebbaluwa luvookwaya, ng'ennyonnyola ebitiisa abantu be mu kugezaako okuyingiza Buganda mu lwookano lwa federation ya East Africa. Era yamutegeeza n'amagezi Abaganda ge baali basaze okuwonya Buganda okugendera mu nsindikano ya federation. Ebbaluwa eyo ye yali kanaaluzaala w'ebizibu ebyagwiira Kabaka n'Obuganda mu biseera ebyaddako era yeeno mu bujjuvu.

*Owekitiibwa Gavana,*

*Nkussaamu ekitiibwa nga nkutegeeza nga bwe nnamala okufuna ebbaluwa yo eya 27,July eyali edda mu bbaluwa ya Baminisita bange. Gavumenti yange yekkaanyizza n'obwegendereza bungi obukalu (obweyamo) obuli mu bbaluwa yo era bino wammanga, bye tulina okwogera, ate n'ebirala bye tulina okusaba ku bukalu obwo.*

*1. Nga bw'omanyi, okumala emyaka mingi egiyise, okuva mu 1922 okutuusiza ddala mu kiseera kino, ekirowoozo kino eky'okugatta amatwale ga East Africa mu by'obufuzi kibadde nga kyeraliikiriza abantu ba Uganda n'okusingira ddala abantu ba Buganda. Ekirowoozo ky'okuteekawo federation bwe kyaleetebwa abagwiira, Abazungu abatuula mu Kenya, so nga omuwedo gwabwe gwali*



*katundu butundu ku gw'abantu bonna abali mu East A frica, Ssekabaka wa Buganda eyaliko ekirowoozo ekyo yakiwakanya n'amaanyi mangi mu 1930, ng'aleeta ensonga entuufu era ng'asembebwa Gavumenti ye. Waaliwo n'ababaka abaatumibwa e Bungereza okutegeeza Akakiiko ka Parliament akaateekebwawo ku bya Closer Union of East Africa, nga bategeeza ensonga ezigaanyisa ekirowoozo ekyo. Okuva olwo, Gavumenti ya Queen ebadde ejja etuwa obukalu. Buli lwe waabangawo okwogera ku nsonga eyo n'etuwa obukalu ng'ebuyisa mu Mukulu w'Amatwale. Mw'obwo bwe yatuwa nga mwe muli na buno obwatuweebwa mu bbaluwa ya Chief Secretary eya March 18, 1922 obufaanana n'obulala, era bunaatumala okutegeera bino bye tuliko. Bwagamba bwe buti:*

*Omukulu w'Amatwale ansabye okubategeeza nti bwe kiriba nga kiteesebbwa ne kisalibwawo okuteekawo enkolagana ey'okugatta awamu ebitundu ebimu ebya gavumenti za East Africa, nga bigattibwa mu ngeri ya federation oba mu ngeri endala yonna, mbakakasa nti tewagenda kubaawo kigenda kuteekebwawo bwe*
*kiribanga kikeendeeza ku ndagaano ya Buganda eya 1900.*

*Era ate mbakakasiza ddala nti mu kiseera kino tewali kirowoozo kyonna kirowoozebwa okuyingiza Obwakabaka bwa Buganda, yadde Uganda Protectorateyonna awamu, mu kufugibwa amateeka agava mu lukiiko olulala lwonna oluli mu East Africa, naye nga teruli mu bufuzi bwa Uganda. Era tewaliiwo kirowoozo kyonna ekigenderera okukendeeza ku buvunaanyizibwa bw'Omukulu w'Amatwale bw'alina mu kufuga Protectorate mu ngeri yonna.*

*2. Obukalu buno bwonna obwatuweebwanga mu myaka egiyise tebwatulekaamu kakunkuna kw'ebyo Gavumenti ya Queen bye yali egenderera okukola. Naye bw'osoma obukalu ggwe bwe watuwa mu bbaluwa yo, amangu ago olaba nga waliwo enjawulo nnene. Kyentegeeza kiri nti obukalu obwatuweebwa Abakulu b'Amatwale abaasooka bwali tebulina kkomo era ng'Obwakabaka bwayawulirwa ddala obukalu obwo bwe bwagamba nti:*

"Tekirowoozebwa ng'Obwakabaka bwa Buganda yadde Protectorate yonna awamu nga zandisaanidde okufugibwa amateeka agateekebwa olukiiko olulala lwonna mu East Africa olutali mu Uganda".

3. Okulabira kw'ebyo ebibaddewo mu Central Africa mu kiseera ekyakayita, gattako n'ebyo ebizze by'ogerwa gye buvuddeko katono, bitulagira ddala bulungi nti gye bujja tetujja kukuumibwa bulungi nga bwe tubadde tukuumibwa. Juuzi bwe nnakyalako mu Colonial Office, nanyumyamu ne Permanent Under Secretary eyayogera ebigambo ebyandaga nga gavumenti ya Queen temanyi nfuga ki Uganda gy'eribeeramu mu biro ebyo mu maaso. Yagamba nti ebiribaawo mu maaso ssi byangu bya kutegeererawo. Ndowoozo nti naawe ojja kutegeera lwaki tweraliikirira n'okutya engeri ensi yaffe gy'erifugwamu mu maaso ng'omwo muyinza n'okubaamu federation ya East Africa gye tweraliikirira.

4.kimanyiddwa bulungi mu Ndagaano ya 1900 era ne mu ndagaano ezasooka nga nazo zikiraga bulungi nti Obwakabaka bwa Buganda bukuumibwa (Protected state) Gavumenti ya Bungereza, ng'ensonga za Buganda zikolerwako mu Foreign Office era ng'okuva edda Buganda teyisibwa nga ttwale (colony) lya Bungereza. Naye okuva mu 1922 ensonga za Buganda ne zikyusibwa ne zikolerwako mu Colonial Office awataali na kututegezaako mu butongole. Kino nno kiraga nga Buganda, mu maaso ga Bungereza, etwalibwa nga ttwale (colony) nga kino kyassa wansi obukulu bwa Buganda ensi eyali ekuumibwa okutwalibwa ng'ettwale. Mu ngeri eno kati Buganda eri mu kubuusabuusa kunene ku biseera byayo ebyo mu maaso.

5. Nga ntuuka ku kye wayogera mu bbaluwa yo nga olaga ebirikolebwa singa wabaawo okugatta awamu obufuzi bw'ensi za East Africa wagamba nti "Okugatta okw'engeri eyo tekuyinza kuteekebwawo wabula ng'abantu baffe abasinga obungi bakwagala era ne balaga nti bakkirizza. Abantu bange ne Gavumenti yange bino bye balina okwogera ku nsonga eno. Nga bwe nnasoose okutegeeza mu bbaluwa



eno, ebintu ebibaddewo mu kiseera kitono ekiyise mu matwale agatuliraanye, aga central Africa, bitulaze nga ekirowoozo bwe kireetebwa Abaddugavu abawakanya ne bwe baba bangi batya, tekifiibwako wabula eky'Abazungu ne bwe baba batono batya kyo kikkirizibwa. Tetuyinza kugamba nti ebyo ebyakolebwa ku Nyasaland tebiyinza kukolebwa ku Uganda. Ensi zombi ziri mu ttuluba lya nsi ezikuumibwa. Naye Nyasaland emaze okuyingizibwa mu federation ya central Africa olw'empaka. Kino ne kitulaga nti ebyo ebitugambibwa nti abantu baffe balibuuzibubwa kye balowooza, olwo babeera bategeeza kubuuza birowoozo by'abo abasinga obutono, kasita abatono abo baba nga be basinga okuvuza amaloboozi.

6. White Paper eyateekawo East African High Commission kya kulabirako mu nsonga eno. Bungereza bwe yali yeebuuza okuteekawo ekitongole kino yeebuuza ku Uganda Legislative Council. Olukiiko olwo Bungereza lwe yalowooza nga lwe lwali olw'abantu ba Uganda? Enkiiko z'Abaddugavu, Bannansi tezalowoozebwako na ddala Olukiiko lwa Buganda olukulu lwagaanirwa ddala okuteesa ku nsonga eno eyali enkulu ennyo. Awo nno kye tuva tubeera n'okutya ku by'enfuga yaffe eyo mu maaso.

7. Tekyetaagisa kukujjukiza, ng'ebyafaayo bwe biraga, nti Obwakabaka bwa Buganda bwali nsi eyeefuga yokka. Era ebiwandiiko ebyawandiikibwa Abazungu nga baakajja mu nsi muno, kati kumpi emyaka 100 egiyise, biraga bulungi nga baasanga Buganda erimu Obwakabaka obunywevu, obwefuga era nga bulina n'ebitundu by'ensi endala bye butwala ng'amatwale gabwo. Gavumenti ya Queen bwe yasabibwa okujja okukuuma ensi eno waakolebwawo endagaano enkulu bbiri, eya 1894 ne 1900, ey'oluvannyuma ng'eyongera okukakasa eri eyasooka era ng'ensonga enkulu eyakozesa eya 1900 kwali kugabanya ttaka, okutereeza eby'omusolo, okwetaasa nga wabaddewo olutalo awamu n'okulambika engeri y'enfuga. Endagaano ezo zombi bw'ozisomera awamu ziraga obujulizi ku nsonga eno gye nnyinnyonnyola.

*Olw'ensonga ezo era n'olw'okubeera nti ebiseera byaffe ebyo mu maaso si byamufu, kye nvudde nkutegeeza nti twetaaga ensonga z'ensi yaffe zizzibwe mangu mu Foreign Office gye zaali edda, zive mu Colonial Office. Kino bwe kinaakolebwa kinaatuwa obwesige obusingawo ne tumanya nti tetugenda kugattibwa mu bufuzi wamu n'ensi ezituliraanye era ezifugibwa ng'amatwale ga Bungereza.*

*8. Mu kiseera kye kimu nina okukutegeeza nga bwe tukakasa nga Gavumenti ya Queen ky'egenderera kwe kukuza ensi z'ekuuma okuzituusa ku kwefuga zokka nga ziri mu Luganda olumu ne Bungereza (Commonwealth). Tusaba Gavumenti ya Queen etandikewo enteekateeka ez'amangu ezinaatutuusa ku kwefuga mu kiseera ekigere. Nsaana n'okukutegeeza nti enfuga ewa abagwiira enkizo okusinga bannansi mu ngeri yonna, wano mu Uganda tetugenda kugikkiriza. Mu 1950 Gavana bwe yali alangirira enkola ya Gavumenti ya Queen ku by'ettaka mu Uganda, yalaga nga bwe kitagenda kusoboka abatali baddugavu okuba abasenze ob'olubeerera mu Uganda.*

*9. Nga mmaliriza nsaba okukutegeeza nti ebirowoozo bino bye mpandiise, Gavumenti yange n'abantu bange babiwagira era njagala nnyo byanjulirwe Omukulu w'Amatwale, bw'atyo naye abyanjulire Gavumenti ya Queen ebirowozeeko. Ebbaluwa eno ne Baminisita bange bagitaddeko emikono gyabwe nga bwe kiri wano:*

| | |
|---|---|
| *Paulo Kavuma* | *Katikkiro* |
| *Matayo Mugwanya* | *Omulamuzi* |
| *Latima Mpagi* | *Omuwanika* |

*Nze Akussaamu ekitiibwa*
*Muteesa*
*KABAKA WA BUGANDA.*

Ensonga Kabaka ze yateekako essira mu bbaluwa eno zaali:

- ***Okulwanyisa federation ya East Africa***
- ***Buganda okuzzibwa mu Foreign Office***
- ***Buganda okwefuga mu kiseera ekigere***



Ebbaluwa eno Kabaka gye yawandiika mu mwoyo gw'okwagala n'okulumirwa ensi ye yafuuka ***Kalunsambulira*** era gavumenti ya Queen eyali teyatula ky'eriko ku luno yavaayo n'eyasanguza nti: ***"Gavumenti erifuga Uganda ng'Abazungu bamaze okuggyamu enta eriba ya kipooli (unitary). Kabaka bw'aliba ayagala okufuuka President wa Uganda kirimusaanira okwesimbawo n'avuganya n'abakulembeze b'eby'obufuzi abalibaawo. Bw'aliwangula mu kulonda okulibaawo alifuuka Omukulembeze naye bw'aliremwa aliba asubiddwa"***

Okwasanguza kuno Abaganda tebaakusiima era ne balagirawo mu lwatu nga bwe baagala Queen addize Kabaka obuyinza bwe obw'okwefugira ensi ye nga bwe kyali ng'Endagaano Mwanga gye yakola nabo tennakolebwa. Okuva wano obufuzi bwa Muteesa ne buba bwa mbiranye n'Abangereza nga bwe tunaalaba mu maaso eyo.



*Ssaabasajja Kabaka Muteesa II*

# ENTEESEGANYA WAKATI WA KABAKA NE GAVANA

Okuva mu mwezi gwa August 1953, Kabaka ne Baminisita be baagenda e Ntebe emirundi egiwera mukaaga okuteesa ne Gavana ku nsonga z'obufuzi bwa Buganda, naye waalingawo emirundi Kabaka lwe yagendanga yekka. Omulundi ogwasooka okuteesa ne Gavana gwaliwo nga 10, August era yagenda ne Baminisita be. Okuteesa kwatandika mu ngeri ya mukwano ku nsonga za kukuza Buganda ne Uganda awamu. Mu kuteesa kuno Kabaka yategeeza Gavana nti yali agezaako okusabira Buganda okwefuga kubanga yali talina buyinza buteeseza Uganda era n'ayongerako nti okusabira Buganda okwefuga yali agezaako okutaasa Buganda obutayingizibwa mu federation ya East Africa. Wabula Gavana yalabula Kabaka nti ebbaluwa gye yali yakamuwandiikira yamulabikira ng'eyali ewakanya ezimu ku nteekateeka ezaali zimaze okukkiriziganyizibwako mu mwezi gwa March 1953. Ebbaluwa ya Baminisita teyagisiinyako ku mulundi guno wabula bwe yali ayogera mu lukiiko lwa Legico nga 11, August yayogera bw'ati: ***"Okwogera kw'Omukulu w'Amatwale ku bya federation ya East Africa tekusaana kulowoozesa bantu nti Gavumenti ya Queen erina ekirowoozo eky'okukomyawo eby'okwegtta kw'amawanga ga East Africa mu kiseera kino"***

Oluteesa olwokubiri ne Gavana lwaliwo nga 15 August era lwali luwanvu ddala. Gavana ng'aggulawo okuteesa kw'olwo yayogera nti: ebbaluwa ya Kabaka yali yagiweereza mu Colonial Office era yagenderako n'ebbaluwa ennyonnyola bye baali boogeddeko. Omukulu w'Amatwale yali agenda kugiddamu naye kigenda kutwala emyezi ng'esatu okugiddamu . Kabaka kwe kutegeeza Gavana nti ku nsonga, ey'okuzza Buganda mu Foreign Office n'ekyokuwa Buganda okwefuga kwayo kirungi bikolebweko mangu. Ku kino Gavana yaddamu nti, ***"Nsobola okuwa obweyamo ku bya federation nti tebiribaawo naye ku ky'okuzza Buganda mu foreign office n'ekya Buganda okweyawula ku Uganda okwefuga sirowooza nti kiriyamba Buganda. Wabula yo Endagaano ya 1900 ekiseera kituuse erongoosebwemu."***

Olwo Kabaka n'alyoka asaba ebbaluwa gye yawandiikira Gavana nga 6, August 1953 eddibwemu nga omwezi gwa December tegunnatuuka kubanga mu mwezi ogwo mwe yali asuubirira okulonda ababaka ba Legico. Gavana yakakasa Kabaka nti ensonga zonna ezaali mu bbaluwa ye yazituusa bulungi eri Omukulu w'Amatwale era Gavana yali agenda kusitula okugenda e Bungereza bateese ku nsonga ezo. Mr. Oliver Lyttelton, Omukulu w'Amatwale, kigambibwa nti yali ayagala ajje mu Uganda alabaganemu ne Kabaka, amumatize ku byali mu bbaluwa ye naye Gavana n'amugaana ng'agamba nti okujja kw'Omukulu w'Amatwale okulaba Kabaka kyali kisobola okukakanyaza omutima gwa Kabaka. Naye ate kirowoozebwa nti singa yajja kyaliyambye okukkakkanya ku bigambo. Nga bwe kimanyiddwa ebintu byeyongera kukaawa ne bituuka Kabaka ne Gavana okuwaanyisiganya ebigambo ebyali ng'olukato.

Nga 19, September 1953 ab'ekibiina Uganda Natinal Congress baakuba olukuŋŋaana olunene ennyo mu Kampala ne bateesa era ne bayisa ekiwandiiko nga nabo bawakanya federation ya East Africa okubaawo. Ebimu ku byali mu kiwandiiko ekyo byali bigamba bwe biti: ***"Twetamiddwa, tetukyesiga era kati tetusaba kutuwa bigambo bugambo n'ebisuubizo ebitaliimu Abakulu b'Amatwale bye batuwa bulijjo. Twagala kwefuga kaakati......"***

Nga 21, September 1953, Kabaka bwe yali aggulawo olukiiko olukulu e Mengo naye yayogera bw'ati:
***"Mmanyi bulungi ng'abantu bange mwenna mulina obweralikirivu bungi n'okutya olw'ebigambo ebibadde biwulikika nga bifa ku federation y'amawanga ga East Africa. Njagala okutegeeza Obuganda bwonna nti ensonga ya federation nze ne gavumenti yange tuziyingiddemu nnyo, nga tufuba okulaga obweralikirivu bwaffe ku nsonga ezo n'okusaba Gavana ategeeze Omukulu w'Amatwale nga bwe tutakkiriza n'akatono kokka kugattibwa mu ngeri yonna n'amatwale ga East Africa".***

## EKIWANDIIKO KY'OLUKIIKO LWA BUGANDA

Olukiiko lwa Buganda lwalondawo abantu musanvu okubaga ekiwandiiko nga kivumirira federation ya East Africa. Ababaka abo baali: ***Matayo Mugwanya,*** Omulamuzi wa Buganda nga ye Ssentebe, ***Eridadi Muliira, Amos Sempa, Leonard Basudde, Nuwa Sematimba, Danieri Serwaniko ne Robert Kakembo.*** Ekiwandiiko kyalimu ensonga enkulu ssatu:

- ***Okuwakanyiza ddala Buganda okugattibwa ku matwale ga East Africa mu by'obufuzi.***

- ***Okusaba Buganda eggyibwe mu office y'Amatwale ezzibweyo mu foreign office, endagaano eya 1894 n'eya 1900 gye zaakolerwa***

- ***Okusaba wateekebwewo ekiseera ekigere Buganda okuweebwa okwefuga ng'eri mu British Commonwealth.***

Ekiwandiiko ekyo kyaweerezebwa Gavana nga tannagenda Bungereza okuteesa n'Omukulu w'Amatwale ku by'ebbaluwa ya Kabaka. Era Olukiiko lwawa Kabaka amagezi agire ng'alindako okulonda ababaka ba Legico. Gavana yakomawo okuva e Bungereza nga 27, October 1953 era n'alabaganamu ne Kabaka n'amukwasa omukukku gw'ebbaluwa eyava ew'Omukulu w'Amatwale okumumanyisa Gavumenti ya Queen bye yali esazeewo ku byali mu bbaluwa ye eya 6,August 1953. Mu bufunze okusalawo kwa gavumenti ya Queen kwali bwe kuti:

- ***Okwongera obukakafu ku bya federation***

*Federation tegenda kubeerawo okuggyako ng'abantu abasinga obungi be bagyesiimidde. Akakalu gavumenti ya Queen ke yawa nga 27, July na buli kati kw'ekyayimiridde n'olwekyo terina kirowoozo kya kussaawo federation mu kiseera kya kakati oba ekirala okutuusa ng'endowooza y'abantu ekyuse. Gavumenti ya Queen teyinza butassaayo mwoyo kw'ebyo abantu bye baagala. Ekitegedde nti okutwala Uganda mu federation eyo mu kiseera kya kakati oba mu maaso ng'endowooza y'abantu bo mu nsi*



*yammwe eri nga bw'eri kati teba nkola ntufu. Naye kisaana kitegeerekeke nga gavumenti ya Queen tesobola kugambira ddala mu bukakafu nti ekirowoozo kya federation tekiriddayo kwogerwako n'akatono.*

- ***Buganda okuzzibwa mu foreign office***

*Kirabika ng'ensonga eno tewagitegeera bulungi. Foreign office evunaanyizibwa kukola ku nsonga z'amawanga agatali mu commonwealth. Wagamba nti Buganda eri mu kiti kya protected state ng'ekuumwa bukuumwa gavumenti ya Queen, naye kino si kituufu. Buganda emu ku provinces eziri mu Uganda Protectorate. Buganda ne bwe yandibadde protected state era ensonga zaayo zandibadde zikolebwako colonial office.*

*Wayogera ku ndagaano eza 1894 ne 1900 naye Omukulu w'Amatwale agamba nti eya 1900 ye yokka eteekwa okugobererwa mu kutereeza enkolagana wakati wa gavumenti ya Queen n'eya Kabaka. Wagamba nti okukyusa ensonga za Buganda ne zidda mu colonial office okwaliwo mu 1922 kwassa wansi obukulu bwa Buganda. Ekyo si kituufu. Endagaano ya 1900 ye yafuula Buganda okuba province ya Uganda. Nolwekyo tewali kya kukola wabula okuleka Buganda mu colonial office.*

*Ensonga za Buganda okubeera mu foreign office tekyanditaddewo njawulo ku bya federation kubanga ensonga enkulu ng'ezo zisalibwawo gavumenti yonna awamu, oluusi nga n'olukiiko lumaze kukkiriza, so tezisalibwawo kitongole kimu ekya foreign office. Tekiyinzika kuzza Buganda mu foreign office kubanga si kituufu mu constitution. Ye ate ne bwe kyalibadde tekyandikuwadde ebyo bye wagenderera okukisaba.*

### 3. Okwawula Buganda okuva mu Uganda

*Kituufu Buganda okusigala mu British Commonwealth kubanga Buganda okwesalako n'obutabeera na babaka mu Legico eringa eyetuga yokka anti eby'enfuna byayo bijja kufa biggweewo. Eby'omugaso bingi ebizze bikuzibwa mu Buganda nga bigendera*

*wamu n'ebya Uganda yonna. Ate era abantu bammwe nga bwe balina obumanyirivu obusinga ku bw'abalala mu by'obufuzi ne mu birala, kisaana beyongere okutwala omugabo gwabwe mu kutereeza ebya Uganda ey'awamu.*

*4.* ***Buganda Obutabeera mu Legco***

*Waliwo amateeka mangi ag'omugaso eri Buganda naye nga tegayinza kuteekebwawo Olukiiko olukulu kubanga gakwata ne ku bantu abatali baddugavu. Legco bw'eneteekanga amateeka ng'ago, Buganda teefunenga mukisa kugateesaako olw'obutaba na babaka mu Legico. Okwawula Buganda okuva mu Protectorate n'okugaana okuba n'ababaka mu Legco bijja kufiiriza Buganda ne Uganda awamu. Uganda bw'enegenda eyawulwayawulwa mu bitundutundu ejja kunafuyira ddala nga tekyasobola yadde kuvuganya n'amatwale agagiriraanye. Ekisinga kwe kufuba okugatta Protectorate nga tugendera wamu okutwala eby'obufuzi, eby'enfuna n'eby'embeera z'abantu mu maaso olw'abaliwo leero n'abo abalijja mu biro biri.*

Okwo waggulu kwe kusalawo kwa gavumenti ya Queen ku Buganda bye yali esaba era n'ebiragiro ebyaweebwa Kabaka. Kabaka bwe yamala okusoma ebbaluwa eyo n'ategeeza ng'ebbaluwa bw'etalimu kipya kye yali etaddewo ku bintu bya Buganda. Bw'atyo n'alyoka ategeeza nti okuva Olukiiko olukulu bwe lwali lutayagala kulonda babaka kugenda ku Legico naye yali teyetegese kubalonda era n'ayongerako nti yali talowooza nti Buganda yali yetaaga ababaka okutuula ku Legico. Gavana bwe yamubuuza oba yali akyusizza ku ndowooza ye ku nsonga eno, Kabaka yagaana. Awo Gavana we yaleetera ekirowoozo ng'ayagala ebbaluwa zonna ze baali baakawandiikiragana zikubwe mu mawulire abantu bazisome. Ekyo Kabaka teyakisiima, nga bw'agamba nti tekyalina mugaso abantu okusoma ebbaluwa za gavumenti ezigaana obugaanyi buli kye tuba tusabye. Nti osanga okusoma ebbaluwa ezo kiyinza okubanyiiza ne batuuka n'okwegugunga.



## MUTEESA AGAANA OKUMUSIBAKO AMATU G'EMBUZI.

Ekyo Kabaka bwe yakigaana ate Gavana n'aleetayo ekirowoozo ekirala bwe yagamba nti babagewo ekiwandiiko eky'awamu bombi bakiteekeko emikono, oluvannyuma Kabaka akitwale akisomere olukiiko lwe olukulu. Ekyo kyabagibwa ne kisoma bwe kiti:

***"Okuva mu bigambo bya Ssaabasajja byonna, Gavana ng'alagirwa Omukulu w'Amatwale, mu linnya lya Gavumenti ya Queen, awadde Ssaabasajja akakalu ku federation akagamba nti:***

1. ***Gavumenti ya Queen tesuubira kuddamu kwogera ku kugatta matwale ga East Africa mu kiseera kino, okuva ku ngeri emitima gy'abantu bwe giri kati ku federation. Gavumenti etegeera endowooza y'abantu bonna mu Uganda n'okusingira ddala abo mu Buganda abakyayira ddala federation. Kyokka Gavumenti ya Queen teyinza kweyama nti mu biseera ebijja tewaliba federation kubanga endowooza ya leero ku federation eyinza okukyuuka.***

2. ***Ssaabasajja ategeezezza Gavana nti akakalu kano kamala mu kiseera kino.***

3. ***Ekya Buganda okudda mu foreign office Omukulu w'Amatwale agambye nti tekikyasoboka n'akatono.***

4. ***Ebisabiddwa Olukiiko olukulu nti wassibwewo ekiseera ekigere Buganda w'eneefugira, olukiiko olwo terwakinnyonnyola bulungi. Olukiiko terwategeeza oba Uganda yonna. Ekigendererwa kya gavumenti ya Queen kukuza nsi z'erabirira okuzituusa ku kwefuga zokka. Uganda egwa mu nkola eno era ekuzibwa ng'ensi eri awamu newankubadde ebitundu munda yabyo birekebwa okusigaza embeera zaabyo nga bitambulira ku ndagaano ez'enjawulo ze byakola ne Bungereza.***

*Olw'okugoberera enkola eyo mu March 1953 omukulu w'Amatwale yakkiriza enkyukakyuka eyasembebwa Gavana ne Kabaka ku bya Gavumenti ya Buganda. Enkyukakyuka eyo ejja kusobozesa abantu ba Buganda okuba n'eddoboozi eddene mu gavumenti yabwe. Lino lye limu ku madaala amakulu Buganda ne Uganda mwe zinaayita okutuuka ku kwefuga. Omukulu w'Amatwale alaba ng'okussaawo ekiseera ekigere okutuusa Buganda ku kwefuga tekisoboka. Okwefuga kuliva mu ngeri abantu gye balikwatamu enteekateeka ezo eziribatuusa kw'ekyo.*

*5. Omukulu w'Amatwale ategeezezza Gavana nti yeetegese okulaba ababaka b'Olukiiko ayongere okwogeramu nabo ku nsonga zabwe nga tannadda mu kiwandiiko kye baafulumya. Ssaabasajja azzeemu okukakasa nti Buganda eneebanga kitundu ekya Uganda."*

Ekyo kye kiwandiiko Gavana kye yali ayagala okufulumya mu mannya ga Ssaabasajja ne Gavana; naye Ssaabasajja teyasiima kufulumya kiwandiiko kya ngeri eyo. Kirabika ng'olukiiko lwe lwalifunye obuzibu okutegeera kye yali aliko. Bw'atyo n'agaana okwetaba mu kiwandiiko ekyo wabula n'agamba Gavana nti oba ye yali ayagala yali wa ddembe okukifulumya ku lulwe era n'amulabula nti y'alyetikka obuzibu bwonna obulikivaamu. Oluvannyuma Kabaka yategeeza Gavana nti ku bya federation singa akyusaamu n'ateekamu nti Olukiiko olukulu lulimala kwebuuzibwako nga tewannaba kisalibwawo yalisobodde kukkiriza akakalu ako.

Omukulu w'Amatwale ekyo yakikkiriza era ne kirabika nti ebya federation byali bigonjoose. Naye ekya Buganda okuva mu colonial office n'okutandika okubalirira ekiseera Buganda w'eryefugira Kabaka yasigala akyabisaba. Wabula Gavana yafuba nnyo okumulabula nti okuggyako ng'akkiriza ensala y'Omukulu w'Amatwale nga bwe yali, yali ayinza okuggyibwa ku Bwakabaka. Muteesa kino yakiddamu nti yali akitegeera bulungi. N'Omukulu w'Amatwale yawandiikira Kabaka ebbaluwa mu buntu (personal) ng'amuwa amagezi akkirize ensala ya gavumenti ya Queen era nga bw'amulabula nti kaamala aguguba ng'eyamwalula esiridde. Okutiisatiisa kuno tekwayamba



wabula okwongera okukakanyaza omutima gwa Kabaka n'okunywerera ku nsonga. Oluvannyuma kyamanyika nga okutuusa mu kiseera ekyo gavumenti ya Queen n'eya Uganda zaali zimalirizza okukola entegeka okugaana ebyo byonna Kabaka bye yali asaba.

Bungereza yali emaze okufiirwa amatwale ge yali efuga mu America, South Africa n'ebitundu bya Asia byali bimaze okulaga Bungereza enkoona. Mu Kenya ba Mau Mau baali bakyajjukirwa bulungi nga bwe baagezaako okwetakkuluza obufuzi bwa Bungereza newankubadde nga baakolwako n'amaanyi era nga n'omusaayi gwayiika mungi. N'olwekyo Abangereza baali batandise okutya nti amawanga g'Africa amalala mangi gajja kugenda nga gabavaako. Wano mu Uganda Gavana yatandika okutegeka engeri gy'asobola okuggyawo Muteesa amavumbavumba n'oluvannyuma bateekewo Kabaka omulala ataalibadde na mpaka nga Muteesa bwe yali atandise okweyisa mu maaso ga Bungereza. Enteekateeka zonna zaali zikolwako mu kyama omwo nga mwe mwali n'okuleeta amaggye ga K.A.R. okuva e Kenya nga gaali tegalabwangako mu Uganda.

## EKIWANDIIKO KAZAALABULWA

Awo nga Gavana ne Kabaka baakamala ssabbiiti ttaano nga bali mu kasiitaano k'okuteesa, Kabaka yagenda ne Baminisita be e Ntebe okwongera okuteesa nga 27, November 1953 kw'ebyo gavumenti ya Queen bye yali emaze okusalawo ng'edda mu bbaluwa ya Kabaka eya 6,August 1953. Oluvannyuma lw'okuteeseza akabanga, Kabaka yalabika nga tagenda kukyusa kw'ebyo bye yali agaanyi okusooka. Awo Gavana kwe kuggyayo ekiwandiiko n'akikwasa Kabaka era n'amusaba akisomemu akiteekeeko n'omukono. Ekiwandiiko kyali kisoma bwe kiti:

1. ***Kabaka Muteesa ajja kukkiriza ebyo gavumenti ya Queen bye yasalawo, era tagenda kufulumya kiwandiiko kyonna kibiwakanya. Tagenda kuwagira bantu balala kubigaana era ajja kutegeeza Olukiiko lwa Buganda mu lwatu nalwo bwe luteekwa okukkiriza ebyo ebyasalibwawo.***

2. ***Kabaka ajjanga kwetaba bulungi mu by'okukuza Buganda ng'eri mu Uganda. Era ajja kuddamu buto okukakasa mu kiwandiiko kya Gavumenti (Memorandum on Constitutional and Reform in Buganda of March 1953). Awe n'obweyamo obw'enjawulo ng'akkiriza okuwaayo amannya g'Abaganda ab'okutuulanga ku Legico era ategeeze Olukiiko lwa Buganda olukulu mu lwatu ng'amannya ago bw'ajja okugalonda.***

3. ***Kabaka Muteesa ajjanga kuba muwulize eri Gavumenti ya Queen n'eya Uganda mu by'okufuga Buganda ng'Endagaano ya 1900 bw'egamba.***

Kabaka yaddamu n'obuvumu obw'ekitalo nti yali tagenda kuteeka mukono gwe ku kiwandiiko ekyo okuggyako ng'amaze okukyetegereza n'okukyekkaanya ne Baminisita be. Olwo Gavana n'amala gamuleka agende yeetegereze ekiwandiiko ekyo wabula n'amulagira addeyo e Ntebe nga 30. November. ku ssaawa nnya ez'enkya n'ekirowoozo kye ku kiwandiiko ekyo.

Ensonga zino zonna Gavana ne Kabaka ze baalimu okumala emyezi omukaaga omulamba. empaka n'obutakkiriziganya baabikuumira ddala nga bya kyama. Era tewaali yamanya nti baali ku mbiranye okumala ebbanga eryo lyonna. Kabaka yamanya nti singa abantu be bamanya enkaayana ezaaliwo wakati we ne Gavana nti osanga balizzeemu okukola akeediimo ng'ako akaaliwo mu 1949 si na kindi ne koonoona ebintu ebingi ennyo. Muteesa yali asuubirwa okuba omuwulize- ***Nnantanyega***, eri Abafuzi b'Amatwale naye n'agezaako okubatebuka bwe yabaga essimu empandiike egende eri Omukulu w'Amatwale nga yeewozaako nga bwatayinza kussa mukono gwe ku bweyamo obwo awatali kwebuuza ku Lukiiko olukulu. Ssaabasajja yasaba Omukulu w'Amatwale amuddemu mangu ng'olukiiko terunnayitibwa kuteesa. Ate enkeera na 28, November Kabaka n'awandiikira Gavana ebbaluwa eno:



*"Nze ne Baminisita bange tukussaamu ekitiibwa. Tukuwandiikidde ku bye twateesaako nawe jjo, omale otuwe ekiwandiiko ekyali eky'Ekyama bwe wansaba nkiteekeko omukono nga nzikiriza ebyakirimu byonna. Wali wa kisa n'otukkiriza okukitwala tumale okukyetegereza. Oluvannyuma lw'okukyetegereza ndabye nga sisobola kukiteekako mukono okutuusa nga mmaze okwebuuza ku lukiiko lwange olukulu. Singa nkissaako omukono ng'olukiiko terumanyi n'aba nneeyonoonye nzekka mu maaso g'abantu bange nze nga Kabaka wabwe. Okumala galuwa biragiro n'aba ng'awakanya democracy (enkola ey'ekigunjufu egendera ku kusalawo kw'abantu abasinga obungi), Gavumenti ya Queen enkola gy'egoberera.*

*Ssebo nkuweerezza n'essimu ogimpereree Omukulu w'Amatwale amangu nga bw'osobola."*

## MUTEESA AWAŊŊANGUSIBWA EKIMPATIIRA

Gavana Cohen n'Omukulu w'Amatwale baali baamala dda kusalawo eky'okukolera Muteesa eyali alabika ng'ayagala okuva ku mugendo ng'obufuzi bw'Amatwale bwe bwali bumusuubira. Kyokka ne Muteesa yali amaze okukenga ebiseera ebya kazigizigi mu maaso eyo wakati we ne gavumenti ya Bungereza. Yamanya nti ensonga zaali tezijja kugenda zityo kagenderere butaggwa. Ku lwa November. 29 Muteesa yagendako ewa mwannyina. bwe baali baagalana ennyo . ***Omumbejja Zalwango*** n'amugamba nti: ***"Enkya ku Monday, nga 30,November, nja kugendako e Ntebe; naye nnyinza obutadda oba okufiirayo!"***

Baayogera bingi ku nsonga eyo era Zalwango n'ategeera obuzibu Kabaka bwe yalimu. Ekiro ekyo nga 29. November. radio ya Kenya. mu mawulire gaayo. nayo yayogera ku buzibu obusuubirwa okugwawo mu Uganda enkeera nga 30. November wakati wa Kabaka ne Gavana naye teyagenda wala. Okwongera ku mbeera eno ebibinja by'amaggye ga K.A.R byaleetebwa mu Uganda okuva e Kenya ekiro ekyo okwerinda obusambattuko obwali busuubirwa okubaawo.

Nga bukedde Baminisita baagenda mu Twekobe okwegatta ku Ssaabasajja bagende e Ntebe nga Gavana bwe yabalagaanya.

Ssaabasajja yalabika nga mukalavu nnyo era nga tayogera bya kusaaga nga bwe yateranga okukola mu mbeera ze eza bulijjo. Kabaka yabuuza Katikkiro Kavuma oba yali awulidde ebyafulumira ku Radio y'e Kenya ekiro ekyali kiyise. Katikkiro yamuddamu nga bwe yali tabiwulidde. Kabaka kwe kumutegeeza nti ***"Wayinza okubaawo akasambattuko mu Buganda olwa leero...................Naye singa banaddamu okubalonda ne mudda ku bwa minisita, mujja kuba mu mutawaana munene ddala."***



*Abakulu abasatu: Okuva ku kkono*
*Latima Mpagi, Paulo Kavuma ne Matayo Mugwanya*

Kabaka yali amaze okuwulira ebigambo bingi ebiyinza okuva mu kuteesa kwabwe ne Gavana kubanga yamanya nti ajja kuggyibwa ku Bwakabaka walondebwewo Kabaka omulala ataasobole kutawaanya Gavana. N'ensonga endala Kabaka yali akitegeddeko nti abaserikale ba K.A.R. baali bategekeddwa olw'embeera eyaliwo. Kabaka yabbirako ku Katikkiro Kavuma nti ye Kabaka ne musajja we Robert Ntambi, baalina obubundu bwe baali beetegese okukozesa mu kwetaasa kasita wabaawo ekyetaagisa. Katikkiro yatya nnyo era ne yeegayirira Mukama we aleme kutuuka kulwana na Bazungu kubanga ekyo kyali kisobola okuteeka Buganda mu katyabaga akatayogerekeka.



Nga batuuse e Ntebe baayingizibwa mu kisenge Gavana ne basajja be mwe baali nga balinda Kabaka. Olwatuuka mu lukiiko Kabaka n'aggyayo ebbaluwa gye yali awandiikidde Gavana n'essimu gye yali ayagala eweerezebwe eri Omukulu w'Amatwale byombi n'abikwasa Gavana. Olwamala okusoma ebbaluwa Gavana n'ategeeza Kabaka nti teyali mwetegefu kuweereza ssimu ya Mukulu w'Amatwale mu kiseera ekyo era n'ebyali mu bbaluwa teyabinyegako. Kabaka yagezaako nyo okunnyonnyola Gavana nti enteesa zabwe we zaali zituuse kyali kyetaagisa Omukulu w'Amatwale amanyisibwe ku ndowooza ya Kabaka asobole okubaako ne ky'akola ebintu bisobole okutambula. Olwo Gavana n'addira ebbaluwa n'agikwasa Chief Secretary we. Omwami C.H.Thornley, naye n'agisoma. Bwe yagimala n'agiwa ne banne bwe baali mu lukiiko nabo ne bagisoma. Biba biri bityo Kabaka n'asaba afulumeko ne basajja be kisobozese Gavana ne banne okwongera okuteesa ku bbaluwa basobole okugiddamu obulungi.

Baba baakafuluma ate ne babayita bakomewo. Olwayingira mu kisenga Gavana n'ategeeza Kabaka nti tebayinza kukkiriza bigambo ebyali mu bbaluwa eyo era n'asaba Kabaka ayongere okwerowooza ku nsonga ezaali mu bbaluwa oba asobola okukyusamu. Ssaabasajja yafuluma nate n'ateesaamu ne basajja be nga bakyalina essuubi nti osanga Gavana wakiri anakkiriza ensonga emu oba bbiri natagaana bbaluwa yonna. Nabo tebaakyusa ku ndowooza era ne bakomawo mu lukiiko okwongera okuteesa. Bwe baayingira baasanga abakulu be baaleka batudde nga bonna buli omu ayimiridde batambulatambula mu kisenge nga n'entunula yabwe nga balinga abeetamiddwa. Katikkiro Kavuma agenda okulaba nga Resident Buganda, Mr. Birch, ng'ayambalidde akabundu kabasitoola emabega ku mpale ye ate okutunula ebweru nga n'amaggye ga K.A.R. gatandise okukuumulukuka basemberera ekifo omuli olukiiko.

Awo Gavana n'abuuliza wamu Kabaka n'Abakungube nti: ***"Kaakati musazeewo ki?"*** Kabaka n'amuddamu nti: ***"Tetusobodde kukyusa ku ndowooza yaffe wabula kye twagala otuweereereze essimu yange eri Omukulu w'Amatwale".*** Gavana yasiriikirira okumala akaseera era oluvannyuma n'agamba Kabaka nga bwe yali asaaliddwa ennyo okuba nga tasobodde kukyusa ku ndowooza ye ku nsonga ezaali mu ddiiro. Kabaka yamuddamu n'obuvumu nti amukolere ku ky'asabye

eky'okuweereza essimu. Olwo Gavana n'akamutema nti tewakyali kiseera kukola kintu ng'ekyo! Awo Gavana n'alyoka aggyayo ekiwandiiko kiri Kabaka kye yagaana okussaako omukono n'agamba Kabaka, mu ngeri ya kumulagira nti: ***"ŋŋenda okusoma ensonga zino kinneemu nawe nga bw'onziramu."*** Awo Gavana n'asoma ensonga esooka. Bwe yabuuza Kabaka ky'agiddamu n'addamu nti ***"Sigikkiriza."*** Gavana bw'amalayo ensonga zonna nga Kabaka aziddamu mu ngeri y'emu olwo n'alyoka amugamba bwati:

***"Ngezezzaako nga bwe nsobola mu nkiiko zino omukaaga okutuuka ku kutegeeragana nawe naye onnemye. Ngezezzaako okukutegeeza nti gavumenti ya Queen ebigambo bye yasalawo bituufu era ne nkusaba oleme kubiwakanya n'ogaana. Nkubuuliridde emirungi mingi nti osaana obeere muwulize eri gavumenti ya Queen kubanga bwotookole bwotyo onooba omenye Endagaano ya 1900. Kale kaakati sikyalina kirala kyonna kye nnyinza wabula okutuukiriza ebiragiro by'Omukulu w'Amatwale ebikutegeeza nti okusinziira mu katundu No.6 ak'Endagaano ya 1900 tokyabalibwa nga Kabaka wa Buganda okuva ku ssaawa eno."***

Gavana bwe yamala okwogera ebyo n'alyoka aggyayo ebbaluwa, n'agissaako omukono, n'agikwasa Kabaka. Ebbaluwa eyo yali esoma bweti:

***Government House, Entebe, Uganda.***
***30th November 1953.***

***Ssaabasajja Kabaka,***
***Ndagiddwa Omukulu w'Amatwale, ku lwa Gavumenti ya Queen wa Bungereza, nti okusinziira mu katundu 6 ak'Endagaano ya 1900, Gavumenti ya Bungereza tekyakubala ng'Omufuzi munnansi owa Buganda Province.***
***Nze Omuweerezawo akussaamu ekitiibwa***

***Andrew Benjamin Cohen***
***Gavana wa Uganda.***



Kabaka olwamala okugisoma n'agiwa Katikkiro Kavuma eyagiteeka mu nsawo. Awo Gavana n'afuluma ekisenge, n'abakungu be yali nabo nabo ne bagenda nga bafuluma kinnoomu okutuusa lwe waasigala Mr. Thornley yekka. Olwo Thornley kwe kugamba Kabaka nga, okumala ebbanga, bw'abadde amulabula okwewala ebimutuuseeko naye nga tafaayo. Kabaka teyamuddamu n'alyoka ayongera okwogera bwati:" ***Bajja kukutwala e Bungereza era ojjanga kufuna ensimbi ez'akasiimo."*** Era Kabaka teyamuddamu kigambo kyonna.

Bwe waayita akaseera Omukulu wa Police, Mr.Deegan, n'ayingira naye n'akwasa Kabaka ekiwandiiko nga kimulagira okukwata Kabaka n'okumuwaŋŋangusa. N'ekiwandiiko kino Kabaka yakiwa Katikkiro. Olwo Kabaka n'alyoka abuuza Omukulu wa Police nti; ***"Olwo kaakati ndi mukwate?"*** Yamuddamu ng'amukakasa nga bwe yali omukwate era nga bw'aweereddwa ebiragiro okumutwala amutuuse ku nnyonyi eyali emulinze okumutwala e Bungereza.

Olwamala okwogera ebyo n'akulemberamu okutwala Kabaka ku mmotoka y'Amagye eyali awo wabweru ng'emulinze. Baminisita be



***Kabaka akwatiddwa!***

baabateeka mu mmotoka endala bbiri nabo ne batwalibwa ku kisaawe ky'ennyonyi okulaba Kabaka wabwe bw'atwalibwa mu buwaŋŋanguse. Muteesa aba alinnya bwati ennyonyi kwe kusaba musajjawe Robert Ntambi agende naye era bwakkirizibwa kwe kusowolayo akabundu ke era n'alagira ne musajja we naye aweeyo akake eri omukulu wa Police. Kino Omukulu wa Police yakyekanga nnyo bwe yamanya nti Kabaka yalisobodde okukozesa emmundu zino okutemula Gavana n'abakulu be yali nabo mu nteeseganya zaabwe!!

## EBYADDIRIRA OKUWAŊŊANGUSA KABAKA.

Kabaka ng'amaze okutwalibwa, Baminisita be bazzibwayo mu Government House e Ntebe nga bali mu kwennyamira okw'ekitalo anti nga tebamanyi kinaddawo. Mu Government House Gavana yajja okubasisinkana nga ku mulundi guno alabika aliko n'obuseko ku matama. Yatandika okwogera gye bali bwati: *"Kale ebyo ebya Kabaka biwedde. Mmwe musaana mugende mu maaso n'emirimu gyammwe. Wewaawo gijja kuba mizibu naye nga mulina okugikola. Njagala mutegeeze Serwano Kulubya, Hanu Mukasa ne Besweri Mulyanti nga Kabaka bw'atwaliddwa mu buwaŋŋanguse."*

Baminisita ba Kabaka beewuunya nnyo lwaki Gavana yayagala abakulu abo okumanyisibwa era wano Kavuma w'abuuliza ensonga lwaki abakulu abo tebalinda kuwulira mawulire nga abalala bonna. Olwo Gavana kwe kulagira Resident Buganda akole omulimu ogwo naye ate amangu ago n'akyusa ekiragiro kye wabula n'addamu okukakasa Baminisita nti gavumenti ya Bungereza eggye Muteesa ku Bwakabaka so si kuggyawo Bwakabaka. Bwatyo nabalagira baddeyo bateeketeeke omulangira anadda mu kifo kya Muteesa. Yababuuza ku mulangira gwe baalina mu birowoozo era n'ayogera ku kutumira Omutaka Joswa Kamulegeya. asumikira Kabaka aba alidde Obwakabaka. Mu bino byonna Baminisita baamuddamu nti obuyinza ku nsonga za Kabaka buli mu Lukiiko lwa Buganda olukulu era lwe lusobola okusalawo eky'okukola mu mbeera eyaliwo.

Kirabika nga Gavana yali asuubidde nti olunaggyawo luti Muteesa ng'Obuganda bussaako Kabaka mulala ku lunaku olwo lwennyini anti yali amanyi nti Obuganda tebusulira awo nga tebulina Kabaka. Gavana



yalemwa okukkirizisa Katikkiro okulonda Kabaka omulala awatali kuyita mu Lukiiko lwa Buganda olukulu. Alaba ebintu bigaanyi ate kwe kukyusa endowooza n'abagamba nti yali ajja kubalonda (Baminisita ba Kabaka) okuba Baregenti bagira bakola emirimu gya Kabaka okutuusa lwe balironda Kabaka omulala. Ne ku kino era Katikkiro Kavuma yategeeza Gavana nti nakyo kyali mu buyinza bwa Lukiiko. Ebyo byonna nga biremye Gavana kwe kulagira ekitongole kye eky'Amawulire kigende nga kisaasaanya ebipapula ebyaliko obubaka buno:

***KABAKA MUTEESA YAMENYA ENDAGAANO***

***Mbasaba, abantu mwenna, mwegendereze mu kiseera kino eky'akabi. Mukole emirimu gyammwe mu ddembe era mwewale obusasamalo. Abaserikale weebali abamala okufuga abo abaagala okusasamaza abantu. Nsaaliddwa nnyo olw'ekikolwa kino Kabaka ky'atuwalirizza okukola. Gavumenti ya Bungereza eneeyongera mu maaso n'enteekateeka ennyingi z'egoberera okukuza ensi eno. Mbasaba mwenna mugiwagire, mutabagane wamu naffe mu mirimu egyo.***

***Andrew Benjamin Cohen***
***Gavana.***

## EKIKANGABWA KIBUUTIKIRA OBUGANDA

Baminisita kuva e Ntebe baatuukira mu Bulange mu Lubiri e Mengo nga n'abakozi bakyali mu office zabwe nga bakola nga bulijjo. Katikkiro yatumira Nnabagereka okumutegeeza ebibadde Ntebe era n'alagira abantu bonna bakuŋŋaanire mu Bulange. Ng'abantu bonnă bakkalidde mu bifo byabwe, Katikkiro yasituka, nga bw'asangula n'amaziga era nga ne Baminisita banne nabo battulukusa amaziga, n'atyemula ekigambo nti: ***"Ssaabasajja batumuggyeko nga tuli e Ntebe ewa Gavana ne bamutwala mu buwaŋŋanguse e Bungereza!"*** Abantu bonna ne basaanuuka lumu ng'abaduumire ne bakaaba nga mu kisenge kyonna owulira miranga gyokka. Katikkiro yagezaako nnyo okunnyonnyola ensonga zonna nga bwe zaali naye ng'embeera nzibu ddala. Aba akyali awo Nnabagereka n'amutumya agende amutegeeze ensonga ezo mu bujjuvu. Katikkiro bw'amala okunnyonnyola ebigambo byonna kwe kugenda annyonnyole Omumbejja Zalwango, Lubuga wa

Kabaka naye kw'olwo eyali azzeeko mu Bulange, ebigambo ebyo. Katikkiro aba tannatuuka wa Mumbejja ne bajja bakamutema nti Omumbejja afudde!! Yali afudde ensisi.

Kizibu okunnyonnyola, asoma bino n'ategeera ekikangabwa, okusaalirwa gattako obusungu n'ekiruyi ebyabuutikira Abaganda mu kiseera ekyo. Buli omu ng'ayagala amanye ebisingawo n'okubaawo ekikolebwa okulaga embeera eyali mu bantu ba Kabaka naye nga si kyangu. Naye ekikolwa kya Gavana kyaleeta omwagaanya wakati we awamu ne gavumenti ya Bungereza ku luuyi olumu ate n'Abaganda ku luuyi olulala. Emirimu egyaweebwa Kabaka mu Ndagaano ya 1900 gyasigala awo ttayo nga tewakyali ayagala kugikola anti nga tewali ayinza kulonda anaagikola nga Kabaka taliiwo. Mu ndagaano eya 1900, nga Kabaka tali mu nsi ye oba nga tasobola kukola mirimu gye olw'ensonga emu oba endala nga yeyerondera Baregent abamukolera emirimu gye. Eky'okulabirako, Muteesa bwe yali agenda okusoma e Bulaya ye yeerondera Baregent. Naye ku luno olunaku lwakya nga tewali Kabaka, tewali Ssaabataka, tewali Basigire be wadde omukulu alina obuyinza okukola ekimu kw'ebyo byonna. Ne Gavana embeera eno yali tagyetegekedde.

Baminisita ba Kabaka baawa Gavana amagezi alangirire ku radio nti Gavumenti ya Queen yali ewaŋŋangusizza Kabaka Muteesa. Gavana ekyo yakikola, n'afulumya ebiwandiiko nga bisuulibwa mu nguudo zonna era n'ababeezi ba Residenti ne batalaaga Obuganda bwonna okubutegeeza ensonga lwaki Kabaka yaggyibwa ku Bwakabaka bwe. Ensonga eyaweebwanga ya kujeema n'amenya Endagaano ya 1900 era ensi yonna n'ekakasibwa nti Muteesa tagenda kudda ku Nnamulondo nate ng'Omufuzi wa Buganda. Amateeka ag'akabenje agawa gavumenti obuyinza okuggya ku bantu eddembe lyabwe mu buli kintu bwe kiba kyetaagisizza, gaalangirirwa era n'ekiwandiiko Muteesa kye yagaana okussaako omukono ne kifulumizibwa, mu Buganda ne mu Bungereza, ng'ekigendererwa kwe kulaga obujeemu bwa Muteesa.

Nga 8, December 1953, Gavana yayita bukubirire Baminisita ba Buganda, n'abalonda okukola nga Baregenti ba Kabaka. Olukiiko olukulu lwo lwali lumaze okugaana okulonda Baregenti. Baminisita ne babeera mu kattu



nga tebamanyi Gavana ky'anaakola bwe bagaana obuvunaanyizibwa ku luuyi olumu; nga kirowoozebwa nti ayinza okubagoba oba okuggyawo Obwakabaka anti olugambo lwali lubunye wonna nti singa bagaana Gavana yali ajja kulonda ***Kawalya Kaggwa ne Serwano Kulubya*** ku bwa Regenti. Ate nga ku luuyi lw'abantu n'ensi yonna nga tebayinza kwefumiitiriza kye bayinza kukolebwa nga bakkirizza obwa Regenti mu mbeera eyo nga bayinza okulabika ng'abalidde mu Kabaka wabwe olukwe. Olugambo lwali luwulikise nti Gavana bwe yaliremeddwa okufuna Abaganda abakkiriza obwa Regenti yali agenda okulonda abazungu abawerako bafuge Buganda butereevu. Mu mbeera eno Katikkiro yakubira Obuganda bwonna omulanga bube buteefu waleme kubeerawo katabanguko nga bw'abategeeza ng'ebintu byonna bwe biri mu mikono gy'Olukiiko lwe yali asuubira okukwata ensonga mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa. Obuganda bwonna bwawulira okusaba kwa Katikkiro ne bukkakkana. Gavana yalowooza nti okunnyonnyola kwe yakola ng'amatiza abantu nga Muteesa bwe yajeema baakumatira. Naye mu mazima tewaali muntu yenna yasalira Muteesa musango wabula okumutwala ng'omuzira wabwe era omuntu yenna eyalabikanga ng'anenya Muteesa Abaganda baamulowoozanga nti avudde ku mugendo.

Ku lunaku olwaddirira okuwaŋŋangusa Kabaka, Resident wa Buganda yayita Katikkiro Kavuma agende amusisinkane mu office ye e Kampala. Katikkiro yasooka kweraliikirira ng'alowooza nti naye agenda kukwatibwa. Bwe yatuuka mu office ya Resident, ekyasooka okumukuba encukwe kwe kusanga abakulu bonna, owa police, awa gavumenti amagezi mu by'amateeka (Legal Advisor) nga bamulindiridde olwo emmeeme n'ekuba amayebe. Naye olwokubanga aba gavumenti Enkuumi baali basuubira Abaganda okwegugunga olw'ekikolwa ky'okutwala Kabaka, baali bayise Katikkiro bamukakase obukuumi bwabwe gy'ali ne gavumenti ye. Bwatyo Resident kwe kutegeeza Katikkiro nga bwe baali bamanyi nga bwe yali mu kiseera ekizibu ennyo nti naye baayagala okumukakasa nti baalina polisi n'amagye ebimala okumukuuma n'okumalawo akajagalalo konna. Olwo ne bamusaba olukalala lw'abantu be yali amanyi abaali batayagala gavumenti ya wakati n'abo abaali bayinza okumukola akabi bakwatibwe ng'ebintu tebinnayonooneka.